| Essomo 3 | الدرس الثالث |
| --- | --- |

# EBIMU KUBIKWATA KUKWAMBALA NGA :

Bya sunna nnempisa zakwo okwambala.
Kili mu sunna eyo omukkiriza gyasaana okuteeka munkola okusoma eduwa nga agenda okwambala olugoye olupya, nga bwekili muhadith eya wandikibwa Abi Dawuda agamba nti

Agamba Abu Saeed al Khudur nti: yalinga omubaka Swalla Llaahu alaihi wasallama bwabeera afunye olugoye olupya yaluyitanga elinya lwalwo, oba kanzu oba kitambala, oluvanyuma nasaba nga agamba nti: ayi katonda Mukama wange gwe nanyini matendo amajjuvu era agaawaggulu mazima gwe olunyambazza nkusaba ompe mubulungi bwalwo nobulungi omponye omububi bwalwo nemububi obwalukolebwamu.
Era kili sunna omukkirirza bwaba ayambala okusooka nooludda olwadyo nga bwekili mugadith eyawandikwa Imaam Bukhar ne muslim egamba nti:

Agamba maama aisha nti yalinga nabbi swalla Llaahu alaihi wasallama ayagalanyo ebintubye byonna okubitandika nedyowe mungeli yonna gyebanga asobodde, gamba mukwetukuza, musanilila envirir, mukwambala engattoze nakwo.
Era bwatyo bweyabanga ayambala engattoze yasikanga dyo atebweyabanga azmabulamu yasokanga kono nga bwayamba muhadith eyawandikwa Imaam bukhar ne musilimu egamba nti:

Agamba Abu huraira nti yagamba omubaka wa Allah swalla Llaahu alaihi wasallama nti bwa banga agambala engattoze omu mumwe, atandike nokukugulu okwa dyo ate era bwabanga azambulamu atandike nokwakono era aza,bale zombie oba azijjemu zombie.
Era muhadith eno mulimu okuziyiza omuntu okutambula nengatto emu.
Era kili musunna mukiriza okutwala obuvunanyizibwa okubeera omuyonjo omubiligwe wamu nengoyeze era nga bwateekwa okuzikuuma nga ntukuvu obutukuvu obumanyidwa mubusiramu amakulu nga si nagisi wavu, Kuba obuyonjo gwemusingi gwabuli kinyu omuntu kyeyewunda nakyo kiyina okulabikila mumbeera enungi era ngobusilamu bwe bwakubiliza enyo obuyonjo bwomubili nebyambalo.
Era kiba kilungi era kyagalwa nyo okubeera nga ayambala engoye enjelu, nga bwatuyigiliza omubaka muhadith eya wandikwa Abu dawuda egamba nti:

Agamba Ibun abbasi nti yambala omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mwambale mungoye zamwe engoye enjelu mazima zzo zezisinga obulungi mungoye zamwe ela muziikemu muziingemu nabafu bamwe,
Wabula nga  ne langi endala nazo zikkirizibwa naye nga zo njelu sesizinga.
Okubeera owamasekkati era omwenkyanya mukwambala engoye mubika byazo nokwewunda okukkirizibwa nga bwagamba Allah musurat truqan aya 98 nti:
Agamba allaha nga atenda abaddube abalungi nti beebo bwebaba bawaayo tebadiibuuda ate tebaba bakodo nyo naye batambulila wakati we byo byombi.
Era nagamba mubaka swalla Llaahu alaihi wasallama muhadith eya wandiikwa Imaam bukhar nti:
Agamba omubaka wa allah swalla Llaahu alaihi wasallama nti mulye era munywe era mwambale nokusaddaaka musaddaake naye nga temudiibuuda era temukola lwa kabandabe bampane.